Okubeera nukulonda okutuufu ssi kyekikakasa kyokka nti waliwo enkola eya demokulasiya eyaamanyi, okunoonyereza bwekuvumbudde.

Alipoota empya yeekennenya ebiva munkola ezokulwanyisa obuli bwenguzi n'obuvunanyizibwa bwa Gavumenti 55, mukutuukiriza ebizisuubirwamu, nga ne China nga mweri mulundi ogusookedde ddala.

(*Washington D.C)* Newankubadde nga okulonda kwogerwako nga ekisanyizo ekisooka mu kulongoosa enkola za gavumenti munsi yonna, alipoota empya esanze nti ebirungi eby'olulango ebivamu, bitera okukotoggerwa ebbula ly'obuvunanyizibwa bwa gavumenti mu byekola nebbula lyenkola eyaamanyi erwanyisa obuli bwenguzi.

Alipoota evudde mu kwekennenya ensi 55 efulumiziddwa olwaleero aba Global Integrity, ekitongole ekitali kyamagoba ekigoberera enfuga yensi ezenjawulo nobuli bwenguzi.

"Tulina okulekera awo okulowooza nti ekyokulonda kyokka kimala okumatiza nti gavumenti zigoberera enkola eya demokulasiya owekimmemete" Nathaniel Heller, Managing Director wa Global Integrity bweyagambye. "Tumanyi kati nti waliwo akakwate katono makkati gokulonda nokulongoosa okwetagibwa mu nsi ennyingi eziri mu masangaazira gebyobufuzi nga Pakistan, Ukraine, Georgia ne Kenya"

Alipoota ya *Global Integrity: 2007* eggatiramu amawanga agasinga agali mu kibinja kya Group of 8 (G8) awamu namalala agobutale obukyakula nagakyezimba okuva Argentina okutuuka e China ne Zambia.

Mukifo kyokugezaako kyokubalirira obuli bwenguzi obutereevu, alipoota enoonyereza neyekennenya enkola ezobuvunanyizibwa bwa zi gavumenti okukola ebyo byennyini ebiba bizisuubirwamu nenkola ezobwesimbu ezeetagisa okulobera obuli bwenguzi nokuggumiza enfuga ennambulukufu.

Bingi kubizuuliddwa mu alipoota eno bijja kuba nga biwuniikiriza eri abafuzi era naabo abawaayo ensimbi zabwe okutandikawo emirimu egivaamu emmali ng'esuubuzibwa.

Ekyokulabirako; obunafu obusangiddwa mu nkola ya China eyokulwanyisa obuli bwenguzi, ereeta ebibuuzo mu nteebereza ey'obuzibu obutuufu obubalirirwa, n'obutunuurirwa abo abayanguwa okussaayo emmali yabwe bafune amagoba mubyenfuna byaayo ebigenze ewala ennyo –awamu nebizibu emmaali ya China gyessa mu mirimu gyeyinza okuleetera obutale bwamawanga ag'obugwanjuba.

"Obutabeera na nkola eyamanyi erwanyisa obuli bwenguzi mu China, kiyinza ebbaanga eritali lyewala okubeera eri abebweru abassayo ensimbi zabwe nga okuwola kwa bagula amayumba

Global Integrity ■ 910 17th Street N.W. Suite 1040 ■ Washington, D.C. 20006 ■ USA
Website: www.globalintegrity.org ■ Email: info@globalintegrity.org
Office: 1.202.449.4100 ■ Fax: 1.866.681.8047

abanafunafu bwebabeeredde ebyenfuna ya America" Heller bweyagambye. "Obubaka obuva mu alipoota yaffe bulinga obugamba nti 'omuguzi weerabirire'"

Ebirala ebikulu alipoota byevumbudde byebino:

- **America n'amawanga agali mu kibinja G8, gakyalina nago ebizibu bingi ebyobuli bw'enguzi nga amawanga agakyakula, naddala mu nsimbi ezikozesebwa mu byokulonda.** Newankubadde abatunuulizi bangi basuubira nti amawanga agaakula edda gayita dda wosuubira okuba nti enguzi ekyali kizibu, kyokka okunonyereza kwa Global Integrity 2007 ku United States, Bufaransa, Italy, Japan ne Canada kulaga ekifananyi kyanjawulo ddaladdala!
- **Newankubadde okulowooza kwabulijjo kutera okugamba nti enyukakyuka mu byobufuzi nokulwanyisa obuli bwenguzi kitwala emyaka mingi nga tekinneraga, kyokka waliwo ensi nyingi eziraze okulongooka okwamanyi oba okudda emabega okuva mu 2006 okutuuka mu 2007.** Ensi ezisinze okulongooka ze Bulgaria, Nepal ne Azerbaijan; ate ezisinze okudda ennyo emabega ze Nigeria ne Georgia.
- **Ensi ezimu nga mikwano nnyo gya United States okufuna obubonero obutono ennyo mu nkola ezobwesimbu kiraga obuzibu bwerina mu kuwagira enkola ezenkyukakyuka ezokukuza enkola eya demokulasiya munsi gyerina obwetaavu mu byokwerinda.** Alipoota yasanga nti ensi nga Pakistan ne Georgia zafuna obubonero 'obwobunafu' oba 'obunafu ennyo' mu nkola ezokulwanyisa enguzi, n'emukutuukiriza ebyo byezitekwa okukola n'obwesimbu.
- **Obutabeerawo kulaga kutuufu nga gavumenti bwezituukiriza ebyo byezanditekeddwa okukola mu mawanga agafuna obuyambi, kireetera amawanga ag'ebugwanjuba n'ebitongole ebiwa obuyambi ebizibu mukiki ekyokkola nekyokuleka.** Newankubadde ebitongole ebiwa obuyambi bigenze byeyongera okulaba nti kyetaagisa obuyambi okubuyisa mu bitongole ebyabantu ebissibwawo abantu obuntu nga ssi bya gavumenti, ebitongole ebyo bikyeyongera okusinga okukolagana n'abakungu bekitongole ekifuzi bennyini ate abalemesa entegeka ezokunyweza demokurasiya.

"Alipoota eno yandibadde yeeraga ekkubo erikukwata okussawo enkyukakyuka ez'omuggundu era gwegwandibbadde omulanga ogwomwanguka eri abafuzi, abassawo sente zabwe mu mirimu egyengyawulo nabagabi bobuyambi mu nsi yonna" Marianne Camerer Internationa Director wa Global Integrity bweyagambye "Era gwemulanga ogulaga engeri yokussa mu nkola abakolera mu bitongole n'abantu ababulijjo abaagala okulwanyisa obuli bwenguzi, n'okwongera amanyi okulaba nga gavumenti erondoolwa okukola ebyo byeyandibadde esubirwa okukola"

Alipoota byebibala ebivudde mu kunonyereza okwemyezi ku ttaka n'okukunganyiriza amawulire okwebibiina by'abannamawulire nabakugu mu kunoonyereza abasukka mu 250 ababeera munsi ezo zennyini zeboogerako, abategeka ebiwandiiko ebyebigambo ebisukka mu kakadde akamu nensonga 20, 000 ku mawanga gabwe. Ensi 24 zaddibwamu kuva ku ebyo ebyaali mu nsengeka eyo 2006 eya Global Integrity ate 31 empya nazo nezisengezzebwa buto. Alipoota ya 2007 etwaliramu ensi zino:

Algeria	Bangladesh	Burundi
Argentina	Bosnia and Herzegovina	Cameroon
Armenia		Canada
Azerbaijan	Bulgaria	China

Colombia	Lebanon	Russia
Costa Rica	Liberia	Sierra Leone
Ecuador	Malawi	Spain
Egypt	Mexico	Sri Lanka
France	Moldova	Tajikistan
Georgia	Mozambique	Tanzania
Germany	Namibia	Thailand
India	Nepal	Timor-Leste
Italy	Nigeria	Turkey
Japan	Pakistan	Uganda
Jordan	Papua New Guinea	Ukraine
Kazakhstan	Peru	United Kingdom
Kenya	Philippines	United States
Kyrgyz Republic	Romania	Vanuatu
Latvia		Zambia

Okufuna Global Integrity Report:2007 kyalira http://report.globalintegrity,org, bwoba olina byoyagala okumanya ebirara kukitongole kino, kyalira http;//www.globalintegrity.org Global Integrity kibiina ekyetongodde, ekitakola magoba, ekirondoola enfuga nebikwata kukulya enguzi munsi yonna. Global Integrity kikolagana nebibiina byabannansi abakugu abanonyereza nabamawulire okwekennenya obwesimbu nenkola eyokulondoola ebyandibadde bitekwa okukolebwa. Byevumbula bitera okukozesebwa abagabi bobuyambi, gavumenti, ebibiina bya abantu ebirwanirira ensonga ezenjawulo nabo abassa ensimbi zabwe mu mawanga agenjawulo okukola emirimu, okkussa olukongoolo ku kulongoosa enfuga n,okubaga amakubo agaleeta enkyukakyuka ennungi.

Global Integrity yebaza Legatum Institute for Global Development (www.ligd.org) olwobuwagizi bwemirimu gyekitongole kino.LIGD kitongole ekyemalirira ekirafubanira ebyenfuga, ebyokuwagira nokuwa amagezi mu makampuni gekitongole kino (www.legatum.com). Omulimu gwakyo kwekunonyereza nokuwagira ebyo ebyongera okuleeta obugagga munsi yonna nokugaziya eddembe nokubeera obulungi ebyabantu, nga mwemuli enfuga egoberera amateeka, obwesimbu, ne gavumenti eyobuvunaanyizibwa, nga empagi zembeera yabantu engagga era eyeddembe. Abawagizi abalala aba alipoota ya Global Integrity:2007 be ba Australian Agency for International Development, the Wallace Global Fund and the World Bank.